# AB'OLUGANDA MU YESU KRISTO

## BE BAANI BANNO?

## BIKI BYE BAKKIRIZA?

Burbnamala okusoma akapapula kano
Ojja kumanya okuddibwaamu kw'ebibu-
uzo binno wansi:

1. Edini ya Christadelphian yatandiika ebya?
2. Bikiye bye bakkiriza?
3. Ngeri nze, gye nyinza okufuna
   Ekyimala bwe nsoma Baibuli yange?

1. Aba Christadelphian be baani?
Erinya ' Christadelphian' lyabondeebira lwa kubanga litegeeza inkolagana Yesu gy'alina wakati we n'abagoberezi be. Edagaano empya y'awandiikibwa mu luyonaani, Ekigambo 'Christadelphian' kini mu bigambo bibiri eby'owyonaani, adelphos ne Kristos, ebitegeeza 'Ab'oluganda mu Kristo' (mu Lungereeza- Brethren in Christ). Mu Baibuli ekigambo kisangibwa mu Abakkolosaayi essula essooka, akanyiriri ka kubibi.

Mu kyaasa ekye 19. Omusajja amanya ge; John Thomas, ye yasalawo erinya: 'Christadelphians' (Abbluganda mu Kristo). Omusajja ono yatambula kinewe nyo mu Amerika ne mu Bungereeza ng'abulira Enjiri. Olw'okutegeera n'okunyonyola kwe obubaka obuli mu Baibuli ky'aletera abalala n'abo okumatira nga bwe yali abuliira amazima. Eky'adirira ne okubatizubwa ny linnya lya Kristo ne bafuuka Abachristadelphian (Ab'oluganda mu Kristo) ne batandiika okujjananga okusinziza awamu. Okusookera ddala, abantu banna bali basangibwa mu Amerika ne mu Bungereeza mwoka, naye nga kati, bali mu buli nsionda ya nsi.

Ekyawukanya Aba Christadelphian oba bayi'te Ab'oluganda mu Yesu Kristo' ku ddini endala zona kiri obwesigwa bwaabwe mu Baibuli nga ye yokka

ierimu ebikirizibwa n’obuyinza bigambo byayo byona mu Ndagaano enkadde n’empya by’alujjamizibwa Katonda n’ebiweebwa abasajja n’abakazi eri obulokozi bwaabwe. N’olw’ekyo olw’essira lino, Ab’oluganda mu Yesu Kristo bye bakkiriza byonna bifananako n’ebyo nga mu mirembe egy’assooka.

Ab’oluganda mu Yesu Kristo basoma Baibuli buli lunaku. Ng’abakozesa entegeka yaabwe, basoma Endagaano enkadde omulundi ggumu, ate ne basoma endagaano empya, biganyolwamu mu ku soma kuno okwa buli lunaku kwe kuba nga basobola okwekebeva ebyo ebiba nga tebitukanye n’ebyo bye bakiriza mu by’nwandiikibwa. Entegeka eno weri, kubwereere, bw’oba ngosabye.

2. Biki Ab’oluganda mu Kristo bye bakiriza?

Ab’oluganda mu Kristo b’akusaba ogerageranye bye bakiriza n’enso mesa ya Baibuli. Ojja kuganyulwamu nyo bwe wefiriza akaade n’onoonya era n‘osoma ebitundu bino wansi ebikuwereddwa: Kubanga Ye yali ‘Amazima’, ebigambo bye bye nnyini bye tugenda okujjuliza nga bwekin-asoboka:

- Katonda eyakola ensi n’ebirirmu byonna era n’akola omuntu mu ngeri ye (Olubereberye 1:1,27 ne Ebikolwa By’abatume 17:24-28).

- Baibuli kye kigambo kyona eky’alujjamizi-bwa katonda (2 Peetero 1:20,21 ne 2 Timoseewa 3:14-17).

- Bamalayika bitonde ebitafa ebiweereza Katonda (Abaebbulaniya 1:13, 14).

- Entekateka ya Katonda kubunya

Kitiibwa Kye mu nsi yonna (Okubikkulirwa 14:21, Kaabakuuku 2:14).

- Omuntu (Adamu) Katonda yamuwa eky'okwe-salirawo. Yali asobola okugondera Katonda naberawo, oba okumujjemera, affe. Adamu y'ajjemera Katonda n'ayonoona. Nafuna ekibonerezo eky'okufa (Olubereberye 3:17-19).

- Ffena twava mu Adamu. Olw'okuba nga Yayonoona, nafa, abantu bonna baza-alibwa nga balina okufa. *"Bonna baay-onoono",* era ky'ituggwanidde okufa (Abaruubi 3:23; 5:12; 6:23).

- Era n'okw'efanaanyirizaka Adamu, kin'o mu tuvunanyi z'ibwa ebikolwa by'afe. Singe si bw'ekiri, Katonda omulungi beyandiy'ise bikolwa byafe ebitali bitufu nti 'kibi'. Omusango tetusobe-la kugureeka ku ekyo abangi

kye bayita setaani ow'amaanyi enyo. *"Buli omu akemebura ng'awalulwa okw'egomba kwe ye n'asendebwa senalebwa"* (Yakobo 1:14-16). Yesu y'agamba nti: *"Mu mutima mwe muta ebirowoozo ebibi, obusssi, obwenzi …"* (Matayo 15:19).

- Katonda yali, ate, era akyaali, taata wa Yesu Kristo. Katonda yakozesa mwoyo mutukuvu we okusobozesa Malyamu *"Okufuna olubuto".* Olw'ensonga eno Yesu Kristo yali mwana wan Katonda ate, era mwana w'omuntu (Lukka 1:30-350.

- Yesu teyankanankana Katonda. Aga-ba nti, *"Kitange ansinga obukulu". "Nninnya Mu ggulu eri Kitango, era Kitammwe, eri Katonda wange, era Katonda wammwe,* (Yokaana 20:17).

- Omwayo omutukuvu maanyi ga Katonda, g'akozesa aga bwaaba

ayagane (Oluberyeberye 1:2; Isaaya 61:1). So si muntu eyetongodde ku bubwe.

- Kyali kisoboka Yesu okwonoona, naye kuno, teyakukola "*Y'ajjawo ekibi olw'o kubeena nga sadaaka ye yennyini … bw'atyo neyewaayo omulundi ggumu, olw'okubeera ebibi ebya bangi. Eri abo bonna abamulindirira n'essuubi eringi alida omulundi ogw'okubiri, awatali kibi, olw'obulokozi"* (Abaebbulaniya 9:26-28).

- Olw'okubanga teyaliko by'anennyezebwa ku kugondera enkola ya Katonda, Yesu ono, yazuukizibwa Emagombe. Era n'aweebwa obulamu obw'emirembe n'emirembe. Y'agamba nti, "*Tekyagwanina Kristo okubonyaabonyezebwa ebyo, alyoke ayingira mu kitiibwa kye?"* (Lukka 24:26).

- Bweyamala okuzuukira, era yalina

omubiri. Y'agamba Tomasi, omu ku kumi n'ababiri, *"Agolola omukono gwo, ogusse; mu mbiriizi zange"* (Yokaana 20:27).

- Bwetusangiibwa nga tuli batuufu, era ne tuweebwa obutafa, Yesu *"Alikyusa omubiri; ogw'okutawazibwa kwaffe okufaananyizibwa ng'omubiri ogw'eki-tiibwa kye"* (Abafiripi 3:21).

- Ng'amaze okuzuukira, Yesu yaliinnya mu gyulu (Ebikolwa By'Abatume 1:11). Kati akola nga Mukama wafe, era omutabaganya (1 Timoseewo 2:5).

- Yesu y'awangula ekibi n'okufa. Olw'e-kisa kya Katonda, abo bonna abamukki-riza era ne ba mu gondera baliweebwa omukisa ogw'omulamu obw'oluberera. (Yokaana 3:16; 1 Abakkolinso 15:22; 1 Peetero 5:4).

- Omukisa gunno ogw'obulamu obw'oluberera guliweebwa ku lunaka olw'emisango. Kino kiriberawo oluvanyuma lwa Yesu okudda n'okuzuukiza abo abafu abavunanibwa ku nsonga za Katonda. Yesu yagamba nti, *"Bonna abali mu ntaana baliwulira eddoboozi lye, ne bataamu, abo abaakolanga ebirungi bailizuukirira obulamu"* (Yokaana 5:26,29).

- Emirundi mingi nyo Yesu ategeeza nga bw'agenda okudda ku nsi. *"Omwana w'o-muntu auijjira mu kitiibwa kya kitanwe, ne bamalayika be; n'alyoka asasula buli muntu nga bwe yakola"* (Matayo 16:27). Wetegereze engeri ebintu binno ye bidinnanako:
    a) Yesu akomawo;
    b) Azuukiza abafu;
    c) Atu la ku ntebe y'emisango;
    d) Awa abagoberezi be abalungi obulamu obw'emirembe Nemirembe.

- "*Kristo ng'akomyewo aliba Mukama w'abami, era kabaka wa bakabaka"* (Okubikkulirwa 17:14), *"Bakabaka bonna balimuvuunamiranga"* (Zabbuli 72:11). Baibuli eyita ekiseera kino, *"Obwa kabaka bwa Katonda? Abakkiriza abatuufu, abafunye obutafa, baliyambako Yesu. Yasubiza abatume be akkumi n'abaliri nti, "Balitula ku ntebe ey'ekitiibwa kye okusalira omusango ebika ekkumi n'ebbiri ebya Isiraeri"* (Matayo 19:28).

- Abasajja n'abakazi balina okukyimanya nga bwe bali abonoonyi. Balina okukkiriza enjiri, okwenenya n'ebabatizibwa. Yesu yagamba nti, *"Oyo yema akkiriza n'abatizibwa alitokika"* (Makko 16:16).

- Yesu yagamba abayiyirizwa be nti *"Ebanga munjagala, munaakwatunga ebiragiro byange"* (Yokaana 14:15).

Tulina okugoberera eky'okulabirako
eky'obugonvu bwe eri Katonda
n'ebweyakolanga, era nga tumujjukira-
nga mu kusembera (oba okulya omugati
n'okunywa ku nvinnyo) emirundi mingi,
*"Okutuusa ng'adomyewo"* (1 Abakkolinso 11:23-26).

- N'ekisembayo, tulina okukyijjukira
nti Katonda yalondawo okwolesa
embeera ye eri eggwanga lya Isimeri
Yakola ebisubizo eri Ibulaayimu,
Isaaka, Yakobo ne Dawudi n'eri
eggwanga lya Isiraeri. Bingi ku
bisubizo binno biriberawo nga
Yesu akomyewo ku nsi. Tunulira
Isiraeri!! (Oluberyeberye 12:23; 13:14-17;
2 Samweri 7:12-16; Yeremiya 23:5-8;
Ezeekyeri 36:22-24; 37:21,22).

3. Ngeri ki gy'oyinza okumpawulamu,

okunyamba usobole okufuna kingi mu
kuyiga Baibuli yange?
Waliwo ebiragiro ebigonvu naye nga
ate bikulu, eri engeri y'okuyiga Baibuli

a) Okusaba ng'ogenda okigyisoma;
b) Wetegere bulungi ebigambo ebayo Byoba nga osoma;
c) Kebera amakulu – g'ekyo ekiba kyogerwaako ku bunyiriri obusooka n'obukkako?
d) Noonya ebigambo, ebitundu n'emb-era efanaana n'ey'ebyo by'osoma mu bitundu ebirala mu Baibuli: berabera-nya ate obyelegereze byonna;
e) Birowoozengako byonna byoba osomye-buli lunaku.

Ebisomesebwa Baibuli ebikulu mu
yo by'ogerwako emirundi mingi.
Okudda kwa Yesu, okuzuukira,
Omusango, obulamu obw'oluberera eri

abagoberezi ba Kristo abalungi, n'ebw-akabaka bwa Katonda ku nsi biteekwa okuba nga ddala bituufu: binno byonna bisomesebwa kumpi mu buli kitundu kya Baibuli.

Kozesa akapapula kano, ne Baibuli yo, okunonyereza ku by'okiriza. Bw'ebiba nga tebiri ku musingi mulungi, bivekko. Okugoberera ebiga-mbo bya Katonda okulungi kuleeta obulamu obw'emirembe n'em-irembe. Kye kirabo kya Katonda eri abantu ekisinga obukulu. *"Ompe amagezi, njigenga ebyo bye walagira"* (Zabbuli 119:73).